# Twettanire okussa ebyobuwagwa bwaffe ku mitimbagano okulwanyisa ababuvvoola okubuzaabuza abaana

Bya EMMANUEL SSEKAGGO




EBYOBUWANGWA by'ebimu ku bintu ebikulu buli muzadde by'alina okuyigiriza omwana we ng'akula.

Kyokka mu nsi y'omutimbagano eno abaana baffe gye balimu, waliwo ebintu bingi ebisobola okuwugula omwana n'ava ku buwangwa bwe n'agoberera obuwangwa obulala omuli n'obutali bulungi.

Omukubiriza w'olukiiko lw'Abataka mu Buganda era nga y'akulira ekika ky'Ekkobe, Augustine Kizito Mutumba agamba nti: Abaana baffe bwe babeera ku mutimbagano ne tutabalambika bulungi, basobola okuwuguka okuva ku buwangwa bwaffe oba obw'eggwanga lyabwe nga balowooza nti, bye balaba ku mutimbagano by'ebituufu.

Okugeza, obuwangwa bulimu ebintu bingi omuli; olulimi, ennyambala, enneeyisa n'ebirala ebigwa mu kkowe eryo. Ku mutimbagano okwo, bwe wekkaanya kuliko abantu abambala obukete, abamala googera n'abakola ebitajja nsa. Ekyennaku, abaana bwe batalambikibwa bulungi bayinza okulowooza nti, by'ebituufu okukkakkana nga bakoze ebikontana n'obuwangwa bwabwe.

Kyokka waliwo n'abantu abali ku mutimbagano okwo nga mu bugenderevu baagala okusaanyaawo obuwangwa n'empisa zaffe ng'Abafirika. Mu mbeera, eno abaana baffe tulina okubalabika mu ngeri eyeetaagisa.

Kye tulina okukola, ffe Abaddugavu, kwe kukozesa omutimbagano ne tuteekayo obuwangwa bwaffe abantu ne babulaba ne babugoberera.

Okugeza, osobola okuteeka ku mutimbagano ennyambala ennungi, amazina ag'ebyobuwangwa oba obubaka obusomesa ku buwangwa n'enneeyisa n'enkola endala ezigwa mu kkowe eryo. Kino bwe kikolebwa, abaana basobola bulungi okuyiga n'okugoberera ebyobuwangwa byabwe.

Kyokka nga tuteekayo obubaka buno, tubuteekeyo mu ngeri esikiriza era esanyusa.



Omutaka Augustine Mutumba Namwama.